ENNYINGO - 2

OBUTO BWA PAULO KIYINGI

2.1 Ennaku za Paulo Kiyingi ez'omu buto

Nga bwetulabye waggulu PK yazaalibwa mu mwaka 1896. Taata we nga ye Samwiri Lwasi Buzabo, nyina nga ye Banzigyamubangi Taliddawo. Kitaawe Samwiri Lwasi Buzabo yalina abakyala babiri - omu nga ye Saalumanya, omulala nga ye Banzigyamubangi Taliddawo. Abakyala abo bombi tebaali Baganda, baali Basoga abanyagibwa okuva mu lutabaalo olwaliwo wakati wa Busoga ne Buganda ku mirembe gya Ssekabaka Muteesa I (yalamula 1856-1884). Buzaabo ne muganda we Nansambu baali basajja bakakaalukanyi era batabaazi. Baalwanirira nyo ensi yabwe Buganda, awamu n'okugigaggawaza, gamba nga okunyaga ebintu n'abakazi, nga bweyali enkola mu ntalo z'ebiseera ebyo.

PK agenda okuzaalibwa, bakadde be baali ku mutala Mpami e Mbaale Mawokota, era gyeyasooka okukulira. Yatuumibwa erinnya KIYINGI, eryo nga lya kika. Nebamuwa eddala KIKWANGUYIRA, nga eryo liva mu lugero olugamba nti, "Ekikwanguyira naawe okyanguyira, ekikajjo olya kibisi". Mpozzi bakadde be baali bamaze okulaba obubonero obulaga nti omwana oyo aliba mwangu mu byakola byonna. Yabatizibwa n'ayingizibwa mu kisibo kya Kristo, n'atuumwa erinya PAULO, ery'omutume omutukuvu. Mu bukulu ye kennyini yepaatiikako erinnya BANADDA nga bwetunaalaba mu Nnyingo ekwata ku kuwangangusibwa kwe. Oluvannyuma bakadde be baasenguka nebadda e Kiryagonja mu Kyaddondo.

Mu butoobwe PK yali muvubuka wa kisa kyokka nga musirisesirise, abamu nga bagamba nti wa ggume, abalala nti mukambwe. Yali mujagujagu, amala okusengeka by'agenda okwogera. Yali muwulize, omukozi omwangu akozesa sipiidi, ate nga mwegendereza. Nga buli kyawomamu omutwe, tawummula okutuusa nga kisonjose. Egimu ku mizanyo PK gyeyasinga okwagala mwemwali okukuba zziga, okubonga enje, okudduka embiro, naddala ez'akafubutuko. Ye ne bato banne baazanyanga omweso, kassonko n'okulwana olutalo lwe birumbirumbi: abaana abato ku kyalo bwe beekunganyanga ne begabanyamu ebibinja bibiri, ne bafuna ebisagazi ebito ebitalina bwogi ne babifuula amafumu, ne batandika okufumitagana nga beefananyirizaako nga abalwanyisa amafumu gennyini. Obutafaanana na bavubuka abalala abennaku ezo, yali tanyumirwa nnyo kumeggana bigwo. Oluvannyuma mu masomero yayiga okuzannya emizannyo emirala, gamba nga omupiira ogw'ebigere ne cricket, mu kiseera ekyo eyali akyase enyo e Buddo (Kings College), awamu n'amasomero amalala ag'Abaminsane Abangereza. Bweyagenda akula, mukifo ky'okudduka yatambuzanga sipiidi, nga oyo omulala aba ayagala amutambulire ku lusegere aba alina kudduka mbiro, ye PK nga bwatambula. Amosi Kiguli Ssaalongo e Masooli, Yokana Kigulu e Mpigi ne Anna Nabbosa bonna baamwogerako nga omuntu eyayagalanga enyo okutambuza ebigere nga teyegomba gaali. Nga tagyagalira ddala, tayagala wadde kugimuweekako. Nti nga buli waalaga, kalube lugendo lunene lutya, nga bw'atalinnya baasi oba motoka asalawo kulutambuza bigere, ate mu bwangu obutagambika. Nti era emirundi mingi wabangawo lweyavanga e Mpigi ewa mukuluwe Bapere nga obudde buwungedde, nga addayo ewuwe e Makeerere, leero naaleka nga balowoza nti osanga tatuuke, naye ekyo nga takisangamu buzibu bwona kutuuka wuwe.

Yayagala nyo ennimi, Oluganda, Oluswayiri awamu n'Olungereza, lweyayogeranga, okusoma n'okuwandiika, bonna beyalinga nabo mu bibiina n'abalyamu akendo. Wewawo teyalina kitone kya bukulembeze, kyokka yayambanga nnyo abo abaabanga nebitone eby'okukulembera okulaba nga ebintu byonna bitambula bulungi. Nga buli ky'atuusaako engalo akikozesa maanyi na mbiro.

2.2 Samwiri Lwasi Buzaabo ne Semyoni Kaddu bava e Mpami

Lwasi Buzaabo baayagalana nnyo ne mukulu we Nansambu Kaddu, nga buli omu taleka munne buli gye baagendanga. Nga bavubuse kye baava bava e Mpami, ne bagenda okunoonya awalala aw'okusenga, baabo, yogayoga nga bali mu kisaakate kya Katikkiro Apollo Kaggwa Gulemye. Bwe baatuuka eyo ne bafuuka abamu ku bawereza boomu kisaakate ekyo. Olw'obuwulize bwabwe n'obukozi obulungi, Katikkiro Gulemye yabasiima n'abakansa. N'oluvanyuma kwe kubagabira ekyalo e Kawolo, Lugazi Kyaggwe. Semyoni Kaddu n'afuuka omwami afuga ekyalo ekyo kyeyatuuma "Busambu". Era eyo gyeyafunira ekifundikwa ky'Olunyiriri lwa Nansambu, n'alyoka afuuka Semyoni Kaddu Nansambu. Kigambibwa nti eyo e Kyaggwe gye baawasiza bakyala baabwe mwebajja ezadde lyabwe lyetulabye waggulu. Oluvanyuma abaana baabwe baagenda basaasaana bwebati: (1) Zevirio Lule Kateetemera yafuna omulimu gw'obuwereza mu kigo ky'Abakatuliki e Nkokonjeru, Kyaggwe. Olwobuwulize ne gonjebwa Zevirio byeyalina, Omusosodooti akulira ekifo ekyo bwebaamukuza okudda e Kisubi yasalawo okugenda ne Zevirio. E Kisubi eyo kwekufunayo e kibanja mu bitundu bye Nkumba, n'afunirayo abakyala babiri, ne bamuzaalira abaanabe abo Laulensio Serunkuuma, Ana Nabbosa, nabalala nga bwetunaalaba mu maaso mu Ssuula ey'Omukaaga. (2) Aloni Bapere Sekkadde ne batoobe Fenekansi Nkonge ne Paulo Kiyingi baakwata ly'e Kiryagonja mu Kyaddondo, Bapere gyeyalina Kojjawe Kisulebweru ow'e Nkima. Tebaalwayo ate nebagenda babeerako mu Kiwenda ewa Yokana Gasowole mukwano gwa Bapere. Eyo gyebaava okudda e Ndejje Bapere gyeyatandikira okusoma Obubuulizi bw'Enjiri. (3) Yowana Kiguli eyali omukulu mu bonna, omwana wa Semyoni Kaddu ye yasigalayo e Kyagwe n'alyayo e kibanja, n'awasa n'azaalirayo abaana be mukaaga. Era eyo gye yava okugenda okutabaala mu Lutalo Ssematalo eyasooka (World War I, 1914-1918), amale afiireyo. Kyokka olwokuba nti mu lutalo olwo yali asisinkanye ne mugandawe Bapere mu butanwa, naye eyali agenze okutabaala, bombi ne balaamiragana nti kubombi aliba awonye nga azze e Buganda ayabyanga olumbe lwoyo aliba afiiriddeyo, kale kyatuukirira. Bapere nga azze e Buganda mirembe, yagenda e Kyaggwe n'ayabya olumbe lwa mugandawe Yowana Kiguli.

Nga akyali e Kiryagonja, Aloni Bapere Sekkadde yekwanaganya n'Omubuulizi w'Enjiri eyali yeddira e Mpeewo, eyayitibwanga Kitaakule, oluvanyuma eyamusendasenda okugenda e Ndejje asome obubuulizi bw'Enjiri. Oluvannyuma Kitaakule yafuuka Omwawule era n'akulira n'Obusumba/Twale ly'e Ndejje, n'ayitibwa Rev Kitaakule. Bwatyo Bapere nga amaze okusoma Obubuulizi yayita bagandabe bombi Fenekansi Nkonge ne Paulo Kiyingi bagende bamwegatteko, babeere eyo. Era eyo Bapere gye yawasiza mukyala we Yuniya Tusuubiromu Nakanwagi, nga abagatta ye Rev Kitaakule.

Aloni Bapere yali musajja mupere. Obubuulizi bwe njiri bwamutuusaako ne Busukuma, Tanganyika. N'aganja nnyo ewa Rev Kitaakule. Mu ngeri eyo Bapere yafuna omukisa okugula mailo y'ettaka e Mpigi, Nakaseeta. Ekkanisa ye Mpigi abagezi b'ettaka bwe baamala okugerako eryayo, eryasigalawo Rev Kitaakule n'asemba Aloni Bapere Sekkadde aligule, era naye kyeyakola.

Nga Bapere amaze okugula ettaka eryo, yayita ba kitaawe Nansambu ne Buzaabo okuva e Kyaggwe

okudda e Mpigi. Teyakoma kwekyo kyokka, naye yayita bagandabe Paulo Kiyingi ne Fenekansi Nkonge n'abawa ettaka e Mpigi, n'ayita mugandawe Zevirio Kateetemera n'amujja e Nkumba n'amuzza e Mpigi. Abaana ba mukuluwe Yowana Kiguli eyafiira mu lutabaalo, Zakaliya Bbosa ne banne, yabagya e Kyagwe n'abatwala e Mpigi nabo n'abawa ettaka e Busoke. Oluvanyuma nga bakaddebe bombi bamaze okufa, yaleeta eyali mukwanogwe enyo Yokana Gasowole n'amujja e Kiwenda n'amuwa e kibanja ekyalimu bakaddebe abo era kyekyo ekiri emanga we Kanisa ye Mpigi. Yaleeta ne Kojjawe Kisulebweru nga amujja e Kiryagonja, naye n'amuwa e kibanja. Mailo ye ey'ettaka yagituuma "Nakaseeta" okugyawula ku ye Kanisa ye Mpigi, bwe zirinaanaganye. Obubuulizi n'abuvaamu n'afuuka omwami ow'Omuluka, n'azimbisa e Kanisa ye Mpigi ku lusozi kati weri, n'afuna ettutumu ddene.

2.3 Okusoma kwa Paulo Kiyingi

PK ne Fenekansi Nkonge bwe baali ne mukulu wabwe Bapere eyali amaze okusoma obubuulizi, baatandika okusoma emisomo gy'okubatizibwa n'okussibwako emikono e Ndejje. Nga egyo bagimaze baatandika okusoma mu masomero nga batandikira mu bibiina ebya wansi okutuuka mu bya waggulu. Mu kiseera ekyo amasomero nga gayitibwa Central Schools. Oluusi PK yalimanga pamba omwavanga ezamuyamba okumalako Primary/Junior School e Ndejje. Bwamaliriza emisomo gye e Ndejje, olwamagezi ge amangi kwekukola ebigezo ebyamusobozesa okugenda e Buddo (King's College Budo) mu Siniya, mu 1916. Ebigezo ebyo yabiyita bulungi nyo, n'atuuka n'okuwebwa sikaala enzijuvu. E Buddo yasukkuluma mu by'okuyiga, naddala Ennimi (Oluzungu), Okubala, Geography n'Ebyafaayo. Nga bwatasinga mu kibiina, abeera ku mwanjo. Naye nno olwokuba yali muvubuka musuumufu ate nga wa kiwago, tebaalwa kumulonda kugenda kwetaba mu Ssematalo eyasooka eyali abumbumbujja mu kakyo ako.

2.4 Paulo Kiyingi alwana mu Ssematalo Eyasooka

Paulo Kiyingi yalwanirira amatwale ga Bungereza (British Empire), nga ne Uganda mwogitwalidde. Bungereza yali yeegasse n'amawanga amalala (Allied Forces) mu kufufuggaza Bugirimaani. Yaleka banne abaali abato kuye, bbo nga basoma mu bibiina e Buddo. Kyokka teyatunula mabega oba kwejjusa, anti nga amanyi nti, "Ekirya atabaala kye kirya n'asigadde eka". Yalwanira mu kibinja kyebayita Native Medical Corps mu British East Africa, nga balwanyisa eggye ly'Abagirimaani mu Germany East Africa, eryali likulemberwa General Von Lettow Vorbeck.

Okutwalira awamu ekinyisi ky'Olutalo Ssematalo eyasooka 1914-1918 kyali Bulaaya wakati w'Abangereza n'Abagirimaani. Sir Winston Churchill, Katikkiro wa Bungereza ye yasitula olutalo olwo mu Bulaaya. Kyokka Ssematalo oyo yalwanirwa mu bifo bingi mu nsi yonna.

Wano mu East Africa olutalo lwajjawo lwakuba Abagirimaani baali baagala Bungereza eggye amagye gaayo agamu okuva e Bulaaya, egaleete okulwanira mu East Africa. Nga ekigendererwa kunafuya magye ga Bungereza mu Bulaaya, Bugirimaani esobole okugiwangula (Abazungu kye bayita diversionary attack). Bugirimaani yali emaze okulaba nga amagye ga Bungereza geyalina mu British East Africa gaali matono era nga manafu okusinga Bugirimaani geyalina mu German East Africa. Abagirimaani kwe kunakula olutalo wano mu East Africa. Okusinga baali baluubirira kusanyalaza bya ntambula ya bintu n'abantu okuva ku mwalo e Mombasa okutuuka munda ya East Africa - Kisuumu e Kenya, nga byeyambisa eggaali y'omukka (Uganda Rail) n'okweyongerayo mu Uganda nga biyita ku

Nnyanja Nalubaale n'amaato okuva e Kisuumu okutuuka e Luzira. Omugirimaani Gen von Lettow-Vorbeck yateeka amagye ge ku mbiriizi z'olusozi Kirimanjaalo ne kwaba ayima okulumba oluguudo lwe gaali y'omukka. Olutalo lwanyinnyittira nnyo naddala awo mu kitundu ky'oluguudo lw'eggaali okuva e Voi okutuuka e Taveta, ekirinaanye Kirimanjaalo ku ludda lwa Kenya. Paulo Kiyingi bweyalinga anyumya ku lutalo olwo, abaawulira baamuwuliranga yekokkola engeri Omugirimaani gye yabateganyiza e Voi. Abatabaazi bangi abattibwa. Waliwo n'olusozi lwe baakazaako erinnya "Salaita" mu lulimi Olutaita, nga bakijja mu ky'Oluzungu Slaughter Hill. Luli eyo mu nsozi ze Taita, okumpi ne Voi, Kenya.

Buganda mu kiseera ekyo yali mu kujaguza Kabaka Daudi Chwa kusajjakula nga aweza emyaka ekkumi n'omunaana. Olutalo lwali lwa musoolesoole okuva mu 1914 okutuuka Febuary ne March wa 1916, olutalo mwerwanyinnyittirira. Era mu mwaka ogwo 1916 Paulo Kiyingi ne banne abaagenda, mwebaabatwalira okuva mu masomero n'awalala. Olwo Bungereza yali emaze okusaka amagye okuva e South Africa nga gakulemberwa "omujeemu" Lt Gen Smuts, nga egaleese egagasse ku ago geyalina mu British East Efrica (King's African Rifles - K.A.R), nga gonna awamu egatadde mu buduumizi bwa Lt Gen Smuts. Gen Smuts yalwanyisa Gen Vorbeck okutuusa lweyamujjuluza enkambize okuzijja ku mbiriizi za Kirimanjaalo, n'amuserengesa, n'amuyisa e Mwanza, Dar es Salaam, Tabora, yogayoga nga amutuusizza eyo emmanga mu maserengeta ga Tanganyika okuliraana ensalo ne Mozambique. Kyokka yamulumbisanga magezi mangi. Nga amugoba ate bw'alekamu, anti n'olugero lugamba nti, "bwogoba musajja munno embiro, olekamu ezinadda". Oluusi Gen Vorbeck nga akolamu kaddannyuma. Kyokka nga Smuts tamuganya wadde kunywa ku lwendo lwa mazzi. Bagenda okulangirira nti Olutalo Ssematalo luwedde abalwanyi basse eby'okulwanyisa wansi (Armistice Day, 11 November 1918), eggye ly'Abagirimaani mu East Africa lyasangibwa libunye emiwabo, nga litangatanga butanzitanzi eyo mu maserengeta ga Tanganyika, ku njegoyego za Mozambique ne Rhodesia. Kyokka abawandiisi be byafaayo bagamba nti mu kunakuza olutalo mu East Africa, Gen von Lettow-Vorbek ekigendererwaakye yakifuna. Anti yasobola okugira nga alwanyisa amagye ga Bungereza mu East Africa, awamu n'ago geyajja e India ne South Africa, okumala emyaka ena gyonna olutalo olunene gye lwali lubumbujjira e Bulaaya. Mbu ye yali talwanirira buwanguzi kutwala nsi za Bungereza mweyali, naye kwali kuguumaaza (Diversionary Attack). Teebereza abantu bekyakosa!

Nga bwebagamba, "Zoolaga omulungi zidduka …" Olutalo lwalwa daaki ne luggwa. Paulo Kiyingi n'aluwona, n'adda nga mulamu. Yajaguza n'okwenyumiriza kungi nti yawayo obulamu bwe ku lwensi ye. Paulo Kiyingi yalina okwenyumiriza kungi olwokuba omu ku batabaazi abadduukirira amagye g'Amatwale ga Bungereza mu kufufuggaza Bugirimaani. Yafunayo ccepe oba emidaali (war medals) ogw'okulwana n'obuvumu. Kinajjukirwa bulungi nti mu kukumba kwa Bakawonawo (war veterans) okwabangawo buli mwaka oluvanyuma lw'Olutalo, Paulo Kiyingi yajjangayo ccepe ezo n'azitimba ku byambalo by'obwa Kawonawo n'akumba nga ayolesa obuzira bwe. Ekitone ekirala kyeyajja mu lutalo olwo kwe kwagala enyo okutambuza ebigere, ate mu bwangu mu ngeri y'ekijaasi. Kino oluvanyuma kyamutuusa n'okukyawa eggaali gyataamanya na gyerinyirwa, wadde nga tayagala na kujimuwekako.

Luno jjuuzi lwe nayitako e Kenya, nasanga musajjamukulu omu eyo ku kyaalo Mgange, mu nsozi ze Taita, gwebayita Andrew Mwanyika Mwashigadi, nga naye kitaawe yalwanako mu Ssematalo eyasooka. Yannyumiza emboozi enyuma, ku bulyake bw'Omuzungu mu lutalo Ssematalo oyo eyasooka. Yanyumya bwati mu luzungu: "My father Mzee Mwashigadi (1892-1976) also fought in World War 1 on the side of the British. He used to tell us what they told them. That Gen Smuts was a real son of King George of England, who fought very hard to remove the Germans from Mt

Kilimanjaro. But when I grew up and read a story from a book called ‘A short history of the East Coast’ I saw that Gen Smuts was from South Africa, a Boer. He was a guerrila. He was a rebel". Nga nno omuzungu omwamuka.

2.5 Addamu okusoma Olutalo nga luwedde

Bagamba nti "Gyova toyombye, gyotera okudda". Ne Paulo Kiyingi bweyamaliriza okulwaniirira ensi ye, yaddayo mu Siniya e Buddo mu 1918 okwongera okusoma emisomo gye. Olwo banne beyali nabo, abo abataagenda mu lutalo, yasanga beyongera dda emyaka ebiri mu maaso. Emisomo yagimaliriza mu 1921, olwo nga asajjakulidde ddala, aweza egy’obukulu emyaka 25.
Kigambibwa nti Paulo Kiyingi okulwana mu lutalo Ssematalo oyo kwagootanyagootanya eby’okuyiga kwe eby’amagezi. Tekyalema kumuterebula na kumumalamu maanyi. Bwe yamalirizza e Buddo, mu kifo ky’okweyongera n’eby’okuyiga mumaaso, yasalawo kunoonya mirimu gya kukola. Yasooka n’afuna omulimu nga gwa kukuba masimu (Telegraph Operator) e Voi mu Kenya mu 1922. Kyokka omulimu ogwo teyagwagala era teyagulwamu. Kyeyava akomawo e Buganda, n’atandika okukolera Gavumenti enkuumi (Protectorate Government) nga Kalaani Omutaputa omunnansi (Native Clerk and Translator/Interpretor). Oluvannyuma yeyongera okuyiga n’okukuguka mu kukuba tayipu (typist), obutaputa (translator/interpretor) awamu n’okuddukanya emirimu gya ofiisi (office management) mu Makeerere Technical College, okulinaana University, mu 1931.